Josemaría Escrivá Omutuukirivu
Omutandisi wa Opus Dei

Essaala

Ayi Katonda, ng'oyita mu Bikira Maria, wawa omusaseredooti wo Josemaría omutuukirivu,enneema ezitagambika era olw'obwesige bwe wamuyinamu wamuwa okutandikawo Opus Dei, engeri eyamba omukristu okutuuka ku butuukirivu ng'ayita mukukola emirimu gye egya bulijjo n'okutuukiriza byonna omukristu byatekeddwa okutuukiriza. Mpa nange nsobole okuyiga engeri y'okufuulamu embeera zange zonna na byonna bye nsanga mu bulamu bwange omukisa ogw'okukwagala, n'okuweereza Eklezia, paapa n'emyoyo gyonna mu ssanyu n'obwetowaze ndyoke mmulise amakubo g'ensi eno n'okukiriza wamu n'okwagala. Olw'obuwolereza bwa Josemaría omutuukirivu, mpa kye nsaba .(wano yogera kyosaba)

Amiina.

Kitaffe, Mirembe Maria, Ekitiibwa.

Yonna byoyayaanira, emirimo gyo ne by'oyagala gye biba ye wabeera ensisinkano yo ne Kristu. Awo wakati mu bintu byensi ddala wemuteekwa okwetukuliza nga muweereza Katonda n'abantu bonna. Batakani bange ne bawala bange, ensi erabika ng'eyegatta ne ggulu eyo amaaso gammwe gye gakoma okulaba; naye ekifo kye nnyini we byegattira kiri mu mitima gyammwe nga mutukuza obulamu bwammwe obwa bulijjo.

(Bya Josemaría Escrivá Omutuukirivu okuva mu njigiriiza ye emmanyiddwa nga "Okwagalira Ddala Ensi" gye yawa nga 8 October 1967).

Josemaría Escrivá omutuukirivu yazaalibwa e Barbastro mu Spain nga 9 January 1902. Yafuna obusaseredooti e Saragossa nga 28 March 1925. Nga 2 October 1928, ku lw'amaanyi ga Katonda, yatandikawo Opus Dei. Nga 26 June 1975 yafa mu ngeri ey'ekibwatukira e Roma mu kisenge mwe yakoleranga nga yaakatunula ku kifananyi kya nnyaffe Bikira Maria n'eriiso ery'okwagala. Mu kiseera ekyo, Opus Dei yali emaze okusaasaanira ga ssemazinga g'ensi ataano, nga banakibiina basukka mu 60,000 okuva mu mawanga 80. Banakibiina bano baweereza Eklezia mu mwoyo gwe gumu ogw'okwegattira ddala ku Paapa n'abepiskoopi nga Josemaría omutukirivu gwe yalina. Omutukuvu Paapa Yoana Paulo II yamulanga mu lubu lw'abatuukirivu nga 6 October 2002. Olunaku lwe lukuzibwa nga 26 June buli mwaka. Omubiri gwe gugalamidde mu Eklezia enkulu eya Nnyaffe Bikira Maria Kiwamirembe, Viale Bruno Buozzi 75, Roma.

Ebisingako wano ku Josemaría Escrivá Omutukirivu oyinza okubisanga ku:

www.opusdei.or.ke ne www.josemariaescriva.info

Bonna abafuna bye basaba nga bayise mu Josemaría omutuukirivu basabibwa okutegeezaako offiisi ekwatibwaako ensonga eno ku: Office for the Cause of the Saints, P.O. Box 21706 Kampala, Uganda.

Bino byonna bikakasiddwa Eklezia